


Essomero lya St. Cyprian Wakiso Seed School. Ebyenjigiriza biweereddwa enkizo.

# BAJETI EMPYA: Ebyobulamu n'ebyenjigiriza biweereddwa enkizo

Bya KIZITO MUSOKE

MU bajeti y'eggwanga ey'omwaka gw'ebyensimbi 2026/27 egenda okusomwa enkya ku Lwokuna, Gavumenti etadde essira ku byobulamu n'ebyenjigiriza mu kaweefube w'okusitula omutindo gw'embeera za Bannayuganda.

Gavumenti etadde mu bajeti eno obuwumbi 13,500 mu byenjigiriza, ebyobulamu n'obuweereza.

**EBYOBULAMU**

Ebyobulamu omuli; okuzimba amalwaliro, okubunyisa eddagala, okutangira endwadde n'okutumbula ebyenjigiriza omuli okusasula abasomesa, okubafunira amayumba we basula n'okuwa amasomero ebikozesebwa kuteereddwaamu obuwumbi 9,857.

Gavumenti essira eritadde ku bintu okuli; okukendeeza omuwendo gw'abakazi abafiira mu ssanya, okugemesa abaana endwadde, okwewala endwadde ezitasiigibwa nga kookolo ne puleesa. Ebirala kuliko; okuteeka eddagala mu malwaliro ga Gavumenti n'okuzimba amalwaliro amanene mu disitulikiti gye gatali nga e Katakwi ne Lwengo.

Era etadde essira ku kujjumbira enkola ezitangira endwadde, okutuusa amazzi amayonjo mu bantu n'okutumbula ebyobulamu mu ggwanga.

Kaweefube w'okulaba ng'abantu bafuna obujjanjabi obusookerwako mu bwangu ateereddwaamu obuwumbi 175:

Ensawo etumbula ebyobulamu ebisookerwako mu bitundu eya Primary Healthcare Fund eweereddwa obuwumbi 19.

Waliwo ensawo enzibizi ekola ku ndwadde ez'olukonvuba, n'endwadde enzibu nga eteereddwaamu obuwumbi buna.

Ekitongole ky'ensi yonna ekya Global Fund Programme ekirwanyisa obulwadde bwa siriimu, omusujja gw'ensiri n'akafuba eteereddwaamu obuwumbi 18 n'obukadde 500.

Minisita w'ebyensimbi, Henry Musasizi bwe yali ayanjula bajeti empya mu Palamenti gye buvuddeko yategeeza nti, buvunaanyizibwa bwa Gavumenti okukola ku bizibu ebinyiga abantu mu byobulamu. Eno y'ensonga lwaki waliwo amalwaliro agagenda okusuumusibwa gasobole okutuusa obuweereza obulungi mu bantu.

Agamu ku malwaliro agasuubirwa okugaziyizibwa, ye Kawempe National Referral Hospital era enteekateeka z'okuliyirira abatuuze abaliriraanye zitambula bukwakku.

N'amalwaliro amalala mu Kampala nga Kawaala Health Centre IV ne Kisenyi Health Centre IV gaakuweebwa ebikozesebwa eby'omulembe gongerwe n'abasawo, kikendeeze ku mujjuzo gw'abalwadde mu malwaliro amanene.

Okwongera amaanyi mu malwaliro amakulu agawa obujjanjabi obw'enjawulo n'okugongeramu eddagala eryetaagisa, biweereddwa obuwumbi 556 n'obukadde 78.

**EBYENJIGIRIZA N'EMIZANNYO**

Abasomesa ba Arts balidde!

Emisaala gyabwe girinnyisiddwa ebitundu 25 ku 100 era baaweereddwa obuwumbi 554 nga kino kijja kukolebwa okumala emyaka ena, okutuusa lwe baneenkana ne bannaabwe aba Sciences.

Okwetegekera obulungi empaka z'ekikopo kya AFCON ezigenda okuyindira mu ggwanga kiteereddwamu obuwumbi 496. Empaka zino ezigenda okutegekebwa Uganda, Kenya ne Tanzania zaakubaawo okuva nga June 19, 2027 okutuuka nga July 17, 2027.

Enkola ya Bonnabasome wa Pulayimale eya UPE eweereddwa obuwumbi 309, okukakasa ng'abayizi basomera bwereere nga tewali ssente gye bawaddeyo ku masomero. Ssente ezongeddwaamu zaakuyamba okugula ebikozesebwa mu masomero, okugalambula, okulabirira abayizi abaliko obulemu, okuliisa abasomesa n'abakozi n'okubafunira we basula.

Engeri ssente gye zigabanyizibwamu, ejja kusinziira ku bungi bw'abayizi, abasomesa n'ebyetaago by'amasomero ag'enjawulo mu disitulikiti.

Enkola z'okusomesa abayizi ku bwereere mu siniya eya Universal Secondary Education (USE) ne Universal Post-0-Level Education and Training (UPOLET).

Abasomesa 20,000 ababadde ku mutendera gw'okugezesebwa bagenda kuweebwa emirimu gy'olubeerera basobole okubangula obulungi abayizi b'eggwanga.

Enkola y'okuwola abayizi ffiizi abayise obulungi naye nga tebalina busobozi bweyongerayo mu matendekero aga waggulu, nayo ekyaliwo nga bayita mu kitongole kya Higher Education Loans Board.

Omwaka gw'ebyensimbi guno ogwa 2025/2026, abayizi 7,125 be baasaba Gavumenti okubawola ssente z'okusoma mu matendekero aga waggulu, kyokka abaafuna omukisa baali 2,047 bokka.

Ensomesa y'abayizi ku mitendera gyonna egenda kwongera okwetegerezebwa baleme kusoma muwawa, wabula buli omu akuguke mu kintu ky'alinamu obusobozi.

**EBYAMAKOLERO**

Ebyamakolero byonna awamu byaweereddwa obuwumbi 1,040 ate kaweefube w'okutaasa obutonde bw'ensi n'assibwamu obuwumbi 514.

Obuwumbi 253 za kuzimba ebizimbe mu masomero ga siniya n'amatendekero, okwongera omutindo ku bintu ebikolebwa, okukulaakulanya ebibangirizi by'amakolero 25 mu bitundu 18 ebyayawulwamu eggwanga lyonna.

Amasekkati g'eggwanga galina ebifo 14, obukiikakkono balina ebifo 8, obuvanjuba ebifo 8 n'obugwanjuba ebifo 11. Mu kiseera kino Uganda erina ebibangirizi by'amakolero 9 ebikola nga bibiri bya bwannannyini okuli; Liao Shen Industrial Park e Kapeeka mu disitulikiti y'e Nakaseke ne MMP Industrial Park mu disitulikiti y'e Buikwe.

Ebibangirizi ebisigadde bya Gavumenti okuli; Kampala Industrial Business Park, Namanve, Bweyogerere, Luzira, Jinja, Soroti, Mbale ne Kasese Industrial park.

Ebirala ebyasoosowaziddwa kuliko; okubunyisa amasannyalaze mu byalo; obuwumbi 45, obuwumbi 100 ez'okuliyira abaafiirwa ente, obuwumbi 20 za kugula ambyulensi n'obuwumbi obulala 10 za kuziddaabiriza nga zifudde.



Katikkiro wa Uganda, Robina Nabbanja lwe yaggulawo eddwaaliro ly'abalwadde b'emitima mu 2025 e Naggulu mu Kampala.

## Kye bagamba



Gordon Twesigye e Luzira: Abasomesa bonna basaana bongezebwe omusaala nga tebafuddeeyo oba ba ssaayansi oba Arts, bakole nga baagala.



Hakim Akibuwa: Nsaba amalwaliro gongerwemu eddagala bave mu kuzimba obuzimbi ebizimbe. Twetaaga obujjanjabi buli kadde era nsaba bateeke eddagala mu malwaliro.



Milly Kenyange: Ebyobulamu byongerwemu amaanyi, bavujjirire abasawo abasomesa abantu ku ndwadde ez'enjawulo n'ensaasaana yaazo.



Willy Ssenkuba; Ebyenjigiriza n'ebyobulamu byongerwemu amaanyi. Abasomesa n'abasawo bongerwe omusaala, basobole okukola nga baagala.